# *MUJJE BAANA BANGE*

**Fr. Vincent Kateregga**




2. Ye nze ntanda yammwe, ey'olugendo lwammwe
Mujje nze mbatuuse, ewa Taata gye nva.
Gy'ali abalindiridde (mwenna) musembere okugabana
Kubanga abalinze, mu bulamu obw'emirembe.

3. Ye nze kkubo erituusa, mu bulamu obw'emirembe
Ye nze bulamu bwammwe, era amazima gammwe
Ssinga munzikiriza, ssinga mungoberera,
Mwenna nze mbatuusa, mu bulamu obw'emirembe.

4. Ye nze muti ogutinta, nga mmwe matabi gange,
Mmwe mwekwaate ku nze, muleme okufa okuvunda.
Ye mmwe amatabi gange, munyweere ggulu ggulu
Nga mwekutte ku nze, nzekka obulamu bwammwe.

5. Ye nze musumba wammwe, ow'okuliisa endiga
Ezaabula nzinoonya, zidde eka mu kisibo.
Zonna eziyongobedde, ezo nzijjanjaba,
Mudde mu mukwano, ogwa Taata wammwe.

6. Mujje gyendi mwenna, mujje abatuyana ennyo.
Mujje mmwe abakoowu, mujje mmwe abakaaba.
Mumpe emisango gyammwe, byonna ebizibu byammwe
Byonna nze mbibabuze, kye kyandeeta ku nsi.

7. Mujje abaagalwa ennyo, mwenna abantu bange.
Mmwe Taata be yampa, abanzikiriza mmwe
Mujje mbawe emirembe, muleke ensi etebagasa,
Mujje mweyune nze, mbalage Taata wammwe.

8. Ndiisa n'omugaati, ndiisa Yezu wange,
Okunkyalira ggwe, obe mugenyi wange
Ompe okukwagala ennyo, nkyaawe ekibi nnamuzisa
Ontwaale ggwe Yezu, ewa Taata gy'ova.